# DDALA DDALA OLI MUSIRAAMU?

**Kiwandiikiddwa**

**Muhammad Quraish Mazinga Abu Sa'ad.**

بسم الله الرحمن الرحيم

Amatendo amalungi era amajjuvu ga Allah ﷾ Omutonzi, Omufuzi, Omukuumi era Omugabirizi w'ebitonde byonna. Nkakasa nti buli kitali ye kitonde kye; ye yakitandikawo, yakirinako obufuzi obwokuntikko, y'akirinako okumanya okujjuvu, y'akigabirira, y'akiteekerateekera era y'avunaanyizibwa ku mbeera zaakyo zonna ennungi n'embi. Ku nsonga y'obutonzi, yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ٱللَّهُ خَٰلِقُ كُلِّ شَيْءٍۖ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ وَكِيلٌ ٦٢﴾ الزمر

**Allah ye mutonzi wa buli kimu era buli kintu kyonna ye mukuumi waakyo.**

Ku nsonga y'obufuzi, Allah ﷾ yagamba nti:

﴿لِلَّهِ مُلْكُ ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلْأَرْضِ وَمَا فِيهِنَّۚ ١٢٠﴾ المائدة

**Allah ye mufuzi w'eggulu n'ensi n'ebyo byonna ebibirimu.**

Ku nsonga y'okukyusakyusa embeera z'ebitonde, yagamba Allah ﷻ nti:

﴿وَمَن يُدَبِّرُ ٱلْأَمْرَۚ فَسَيَقُولُونَ ٱللَّهُۚ ٣١﴾ يونس

**…… Era ani akyusakyusa embeera? Bajja kukwanukula nti: Allah.**

Obutonzi bwa Allah ﷻ, obufuzi bwa Allah ﷻ, n'okuteekateekera ebitonde bye wamu n'okubigabirira ye Tauhiid ayitibwa Rubuubiyyah era bwe bulezi bwe eri ebitonde bye bwe tumutongoleza, era bwe bulezi bwe tumwebaliza ne tumutenda nabwo ne tumusuuta nabwo buli lunaku mu sswala zaffe nga tugamba nti:

﴿ ٱلۡحَمۡدُ لِلَّهِ رَبِّ ٱلۡعَٰلَمِينَ ۝٢ ﴾ الفاتحة

**Amatendo gonna amalungi era amajjuvu ga Allah omulezi w'ebitonde.**

# OSINZA ANI?

Omukkiriza ow'ekitiibwa, bw'oba oli mumativu nti Allah ﷻ ye mutonzi wo eyakutandikawo, era ng'oli mumativu nti oli wansi wa bufuzi bwe obujjuvu, era ng'oli mumativu nti y'avunaanyizibwa ku mbeera z'obulamu bwo zonna ennungi n'embi, manya nti omugaso gw'oteekeddwa okufuna mu bumativu obwo bw'olina, kwe kumanya nti oyo akola ebikolwa ebyo eby'amaanyi, eby'obuyinza, ebitasobola kukolebwa kitonde kyonna ye yekka ateekeddwa okusinzibwa nga tagatiddwako kintu kyonna.

Kakasa n'omwoyo gwo nti Omutonzi Allah ﷻ ye yekka ateekeddwa okusabibwa oluzaalo n'obulungi n'ebirala. Kakasa nti omufuzi Allah ﷻ ye yekka ateekeddwa okusabibwa obuwanguzi, obukuumi, emirembe n'ebirala. Kakasa nti omukyusakyusa w'embeera Allah ﷻ ye yekka ateekeddwa okusabibwa obugagga, enkuba, n'okuwonyezebwa endwadde n'ebirala.  Bw'obisaba ekitali ye oba okaafuwadde.

Okukakasa okwo kwe kukusindika okulangirira nti: ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** - ekitegeeza nti: ***Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah.*** Mu kulangirira nti ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** oba otegeeza nti buli kitali Allah ﷻ bwe kisinzibwa kiba kisinziddwa mu bukyamu. Anti tekirina kintu kyonna kye kyatonda. Tekirina bufuzi bw'eggulu n'ensi. Ssi kye kivunaanyizibwa ku mbeera z'ebitonde wadde okuba nga kye kibirabirira.

Wabula nakyo kitonde ng'ebitonde ebirala; kifugibwa ng'ebitonde ebirala. Allah ﷻ akyusakyusa embeera zaakyo nga bw'aba ayagadde. Weekiri oluvanyuba lw'obutabaawo ate kijja kuvaawo oluvannyuma lw'okubaawo. Kati ate omuntu alekawo atya Omutonzi ataliiko ntandikwa wadde enkomerero n'asinza ekitonde ekiriko entandikwa n'enkomerero? Alekawo atya eyamutonda n'asinza ekitaamutonda, oba asinza atya eyamutonda ng'ate bw'asinza n'ekitaamutonda?!

Asaba atya ekitonde ebintu ebyeyawulidde Omutonzi - ng'oluzaalo, obukuumi, obufuzi, obulungi, obugagga, obuganzi, abaguzi, emirimu, emikisa, emirembe, enkuba, amagezi, okuzza ebyabula, okubaza ebirime, okwaza ebirundibwa, okuzaala omuwala oba omulenzi, okumukuumira omulimu, okumukuumira obugagga, n'ebirala?! Mugaso ki gw'afuna mu kukkiriza obulezi bwa Allah ﷻ? Ddala ddala ggwe akola ekyo oli Musiraamu?

Kimanye nti omugaso gw'ofuna mu kutongoleza Allah ﷻ obulezi bwe gy'oli, obulezi bw'okukutonda, n'okukufuga mu bwenkanya n'okusaasira, n'okukuteekerateekera embeera zo zonna, n'okukugabirira, kwe kumatirira ddala nti Allah ﷻ ye yekka alina obusobozi obututuusaako ebiruubirirwa byaffe era y'alina obusobozi obutuggyako ebitukosa mu bulamu bwaffe. Allah ﷻ ng'akkaatiriza ensonga eno yagamba nti:

﴿ وَإِن يَمْسَسْكَ ٱللَّهُ بِضُرٍّ فَلَا كَاشِفَ لَهُۥٓ إِلَّا هُوَ ۖ وَإِن يُرِدْكَ بِخَيْرٍ فَلَا رَآدَّ
لِفَضْلِهِۦ ۚ يُصِيبُ بِهِۦ مَن يَشَآءُ مِنْ عِبَادِهِۦ ۚ وَهُوَ ٱلْغَفُورُ ٱلرَّحِيمُ ﴿١٠٧﴾ ﴾ يونس

**Allah bw'akutuusaako akabenje konna tewali ayinza kukakuggyako okuggyako ye. Ate bw'aba akwagalizza kirungi tewali ayinza kukiziyiza kukutuukako. Akiwa gw'ayagadde mu baddu be era ye Musonyiyi Omusaasizi.**

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ قُلِ ٱدْعُوا۟ ٱلَّذِينَ زَعَمْتُم مِّن دُونِهِۦ فَلَا يَمْلِكُونَ كَشْفَ ٱلضُّرِّ عَنكُمْ
وَلَا تَحْوِيلًا ﴿٥٦﴾ ﴾ الإسراء

**Bagambe nti: Mukoowoole ebyo byonna bye musinza ebitali ye (Allah); tebisobola kubamalira bizibu byammwe wadde okubaako kyonna kye bikyusa ku mbeera yammwe.**

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ مَّا يَفْتَحِ ٱللَّهُ لِلنَّاسِ مِن رَّحْمَةٍ فَلَا مُمْسِكَ لَهَا ۖ وَمَا يُمْسِكْ فَلَا مُرْسِلَ لَهُۥ
مِنۢ بَعْدِهِۦ ۚ وَهُوَ ٱلْعَزِيزُ ٱلْحَكِيمُ ﴿٢﴾ ﴾ فاطر

**Allah bw'aggulirawo abantu okusaasira kwe tewali ayinza kukulemesa kubatuukako. Ate bw'akuziyiza okubatuukako, tewali ayinza kukubatuusaako era ye w'amaanyi Omugezi.**

Omugaso gw'ofuna mu kukkiriza obulezi bwa Allah gy'oli, kwe kumatira ddala nti ye yekka asinzibwa mu butuufu. Allah ﷾ kye yava atujjukiza obulezi bwe gye tuli n'atulagira tumusinze yekka. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ذَٰلِكُمُ ٱللَّهُ رَبُّكُمۡۖ لَآ إِلَٰهَ إِلَّا هُوَۖ خَٰلِقُ كُلِّ شَيۡءٖ فَٱعۡبُدُوهُۚ
وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيۡءٖ وَكِيلٞ ١٠٢﴾ الأنعام

**Oyo nno ye Allah omulezi wammwe; Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako ye. Omutonzi wa buli kimu, kale mumusinze. Era ye mukuumi wa buli kimu.**

N'agamba ﷻ nti:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلنَّاسُ ٱعۡبُدُواْ رَبَّكُمُ ٱلَّذِي خَلَقَكُمۡ وَٱلَّذِينَ مِن قَبۡلِكُمۡ لَعَلَّكُمۡ تَتَّقُونَ ٢١﴾
البقرة

**Abange mmwe abantu! Musinze omulezi wammwe oyo eyabatonda n'abo abaabasookawo musobole okumutya.**

N'atugaana okusinza ebitaatutonda wadde okuba nti bye bitulabirira wadde okuba nti bye bivunaanyizibwa ku bulamu bwaffe n'okufa kwaffe era n'abuuza abo abagugubira ku bukaafiiri ne babisinza bamulage ekintu kyonna kye byatonda oba ensonga endala yonna eyingira mu magezi amalamu eyabasikiriza n'ebagwanyisa okubisinza. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ ٱللَّهُ ٱلَّذِى خَلَقَكُمْ ثُمَّ رَزَقَكُمْ ثُمَّ يُمِيتُكُمْ ثُمَّ يُحْيِيكُمْ ۖ هَلْ مِن شُرَكَآئِكُم مَّن
يَفْعَلُ مِن ذَٰلِكُم مِّن شَىْءٍ ۚ سُبْحَٰنَهُۥ وَتَعَٰلَىٰ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٤٠﴾ ﴾ الروم

**Allah y'oyo eyabatonda oluvannyuma n'abalabirira oluvanyuma y'abatta oluvannyuma n'abazuukiza. Waliwo ekintu kyonna kye musinza ekisobola okukola ekimu kw'ebyo (Allah by'amenye)? Yasukkuluma kw'ebyo byonna bye bamugattako.**

N'agamba Allah ﷾ nti:

﴿ قُلْ أَرَءَيْتُمْ شُرَكَآءَكُمُ ٱلَّذِينَ تَدْعُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ أَرُونِى مَاذَا خَلَقُوا۟ مِنَ
ٱلْأَرْضِ أَمْ لَهُمْ شِرْكٌ فِى ٱلسَّمَٰوَٰتِ ﴿٤٠﴾ ﴾ فاطر

**Bagambe nti: Abange mumbuulire: Ebintu ebyo byonna bye musinza ebitali Allah, mumbuulireyo kyonna kye byatonda mu nsi, oba birina omugabo mu ggulu?!**

N'atutegeeza nti ebyo byonna ebisinzibwa ebitali yye tebisobola kutonda kintu kyonna wabula ate bbyo bitonde ebyatondebwa obutondebwa. Yagamba ﷻ nti:

﴿ وَٱلَّذِينَ يَدْعُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ لَا يَخْلُقُونَ شَيْـًٔا وَهُمْ يُخْلَقُونَ ﴿٢٠﴾ ﴾ النحل

**N'ebyo byonna bye basaba ne balekawo Allah tebirina kyonna kye bitonda wabula ate byo bitonde (nga bo)!!**

Bijjudde obukendeevu mu mbeera zaabyo zonna! Bifa, birwala, bitya, byerabira, bisobya, bikoowa, byebaka, byeraliikirira, bikaddiwa, byetaavu! Nsonga ki eyawewula obwongo bw'omushiriku n'abisinza n'alekawo omutonzi omujjuvu mu mbeera ze zonna?!

Ye minzaani ya kika ki eyo gye yeeyambisa okwenkanya omutonzi n'ekitonde kye?! N'asaba Omutonzi obugagga ate n'abusaba ne kye yatonda! N'asaba Omutonzi obulungi ate n'abusaba ne kye yatonda n'akiteeka mu ndabika gye yayagala?! Ddala ddala oyo akola ekyo Musiraamu wadde asaala? Allah ﷻ yabuuza nti:

﴿ أَفَمَن يَخْلُقُ كَمَن لَّا يَخْلُقُ ۗ أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ﴿١٧﴾ ﴾ النحل

**Abaffe! Atonda afaanana ng'atasobola kutonda? Abaffe! Temusiriikirira (ne mulaba obuyitirivu bw'obubuze n'obubuyabuya bw'okusinza ebitasobola kutonda)?!!**

Allah ﷻ n'atugaana okuba ng'abakaafiiri abo abakakasiza ddala nti Allah ﷻ ye yabatonda, ye mufuzi owokuntikko, y'akyusakyusa era y'ateeketeeka embeera z'obulamu bwabwe zonna, y'abagabirira, kyokka ate bwe batuuka mu kusinza ne bamulekawo ne basinza ebitaabatonda wadde okuba nti birina kyonna kye byatonda mu nsi wadde mu ggulu! Ebitabalinaako buyinza bwonna. Ebitasobola kubagasa nga babisinzizza wadde okubakosa nga tebabisinzizza!!

Ne babisaba obulamu nga nabyo bifa - nga Ngobya! Ne babisaba obukuumi nga nabyo bitya! Ne babisaba obugagga nga nabyo byetaavu eri Allah ﷻ! Ne babisaba okubamalira ebizibu nga nabyo bijjuzza ebizibu!! Bwe batyo ne bakaafuwalira omutonzi waabwe era ne batagasibwa kukkiriza kwabwe kwe bakkiriza nti: Allah ﷻ ye mutonzi, omufuzi, omugabirizi era omukyusakyusa w'embeera zaabwe.

# OBUBUYABUYA BW'OMUSHIRIKU

Allah (سبحانه وتعالى) kye yava abatenda obubuyabuya olw'okusinza bye bakakasa nti ssi bye byabatonda ne balekawo eyabatonda so nga tebisobola na kubamalira bizibu byabwe wadde okubaleetera emigaso. Ow'ekitiibwa Allah ﷻ yagamba nti:

﴿ وَلَئِن سَأَلْتَهُم مَّنْ خَلَقَ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضَ لَيَقُولُنَّ اللَّهُ ۚ قُلْ أَفَرَأَيْتُم مَّا تَدْعُونَ
مِن دُونِ اللَّهِ إِنْ أَرَادَنِيَ اللَّهُ بِضُرٍّ هَلْ هُنَّ كَاشِفَاتُ ضُرِّهِ أَوْ أَرَادَنِي بِرَحْمَةٍ هَلْ
هُنَّ مُمْسِكَاتُ رَحْمَتِهِ ۚ قُلْ حَسْبِيَ اللَّهُ ۖ عَلَيْهِ يَتَوَكَّلُ الْمُتَوَكِّلُونَ ﴿٣٨﴾ ﴾ الزمر

**Singa obabuuza (abashiriku) nti: Ani yatonda eggulu n'ensi, bajja kukugambira ddala nti: Allah (ye yabitonda). Awo bagambe nti: Abange mumbuulire: Ebyo bye musinza ne mulekawo Allah, singa Allah aba anjagalizza omutawaana gwonna bisobola okunzigyako omutawaana ogwo? Ate singa anjagaliza okusaasira kwe (ebyengera bye), bisobola okulemesa ebyengera ebyo okuntuukako? Bagambe nti: Nze Allah ammalira era abeesiga mu butuufu, muye mwe bassa obwesige bwabwe.**

Singa obuuza abashiriku n'abakaafiiri abalala bonna nti: ani yabatonda? Bakuddamu nga tebatamyettamye nti: Allah ye yatutonda. Kati ate bamulekawo batya ne basinza ebitaabatonda?!! Ku nsonga eno Allah (سبحانه وتعالى) yagamba nti:

﴿ وَلَئِن سَأَلْتَهُم مَّنْ خَلَقَهُمْ لَيَقُولُنَّ اللَّهُ ۖ فَأَنَّىٰ يُؤْفَكُونَ ﴿٨٧﴾ ﴾ الزخرف

**Singa obabuuza eyabatonda, bajja kukwanukulira ddala nti: Allah (ye yabatonda). Kati babuzibwa batya ne baggyibwa ku Allah ne basinza ebitali ye?!**

Singa obuuza abashiriku n'abakaafiiri abalala bonna nti: Ani yatonda eggulu n'ensi? Bakwanukula nga tebasoose na kusiriikirira nti: Allah. Kati lwaki basinza ebitonde ebiri mu nsi ne mu ggulu ne balekawo omutonzi waabyo?! Ne ku nsonga eno Allah ﷻ yagamba nti:

﴿ وَلَئِن سَأَلْتَهُم مَّنْ خَلَقَ ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلْأَرْضَ لَيَقُولُنَّ خَلَقَهُنَّ ٱلْعَزِيزُ ٱلْعَلِيمُ ﴿٩﴾ ﴾
الزخرف

**Singa obabuuza nti: Ani yatonda eggulu n'ensi? Bajja kukugambira ddala nti: Eyabitonda ye (Allah) Ow'amaanyi Omumanyi.**

Singa obuuza abashiriku n'abakaafiiri abalala bonna nti: ani atonyesa enkuba n'akomyawo obulamu bw'ettaka n'ebirime ebibadde biri ku njegoyego y'okusaanawo ne tufuna eby'okulya wamu n'ensolo zaffe? Bajja kukuddamu nga tebabuusabuusa n'akatono nti: Allah y'agitonnyesa. Kati bubuyabuya bwa kika ki obwo obubalekesaawo Allah ﷻ ate ne beesiga ebitali ye? Ku nsonga eyo Allah ﷻ yagamba nti:

﴿ وَلَئِن سَأَلْتَهُم مَّن نَّزَّلَ مِنَ ٱلسَّمَآءِ مَآءً فَأَحْيَا بِهِ ٱلْأَرْضَ مِنۢ بَعْدِ مَوْتِهَا
لَيَقُولُنَّ ٱللَّهُ ﴿٦٣﴾ ﴾ العنكبوت

**Singa obabuuza nti: Ani assa amazzi (enkuba) okuva waggulu n'alamusa nayo ensi oluvannyuma lw'okufa (n'ameza ebirime oluvannyuma lw'ekyeya eky'amaanyi)? Bajja kukwanukula nga tebatamyettamye nti: Allah (y'agitonnyesa)**

Singa obuuza abashiriku n'abakaafiiri abalala bonna nti: Ani yatonda eggulu n'ensi era ani awanirira enjuba, n'omwezi, n'emmunyenye, n'ebirala n'abitambuliza waggulu waffe nga tebitugwiridde, ne bitugasa n'ekitangaala kyabyo, ne tubibalirako ennaku n'emyezi n'emyaka, ne bitukaliza bye twetaaga okukaza ng'amataffaali n'ebirime ebikunguddwa?

Bakwanukulu mu bwesimbu nti: Allah. Kati lwaki batyoboola omutonzi waabwe ne bamwenkanyankanya ne bye yatonda ebitasobola kukola by'akola wadde okukolayo kimu kyokka ekibifaanana?! Ku nsonga eyo Allah ﷻ yagamba nti:

﴿ وَلَئِن سَأَلْتَهُم مَّنْ خَلَقَ ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلْأَرْضَ وَسَخَّرَ ٱلشَّمْسَ وَٱلْقَمَرَ لَيَقُولُنَّ ٱللَّهُ ۖ فَأَنَّىٰ يُؤْفَكُونَ ﴿٦١﴾ ﴾ العنكبوت

**Singa obabuuza nti: Ani yatonda eggulu n'ensi, era ani atambuza enjuba n'omwezi? Bajja kukwanukula nga tebatamyettamye nti: Allah y'abikola. Kati bamulekawo batya ne basinza ebitasobola kukola ebyo by'akola?**

Allah ﷻ n'atutegeeza nti ye yatonda eggulu eryo lye tulabako n'amaaso gaffe era n'asimba mu nsi agasozi gaginyweze ereme

kuyuugayuuga, n'ateeka mu nsi buli kiramu ekitambula, n'atonnyesa enkuba tusobole okufuna eby'okulya ebya buli kika.

﴿ خَلَقَ ٱلسَّمَٰوَٰتِ بِغَيۡرِ عَمَدٖ تَرَوۡنَهَاۖ وَأَلۡقَىٰ فِي ٱلۡأَرۡضِ رَوَٰسِيَ أَن تَمِيدَ بِكُمۡ وَبَثَّ فِيهَا مِن
كُلِّ دَآبَّةٖۚ وَأَنزَلۡنَا مِنَ ٱلسَّمَآءِ مَآءٗ فَأَنۢبَتۡنَا فِيهَا مِن كُلِّ زَوۡجٖ كَرِيمٍ ١٠ ﴾ لقمان

**Yatonda eggulu n'aliwanika nga teririna mpagi eriwaniridde - nammwe muliraba bulungi. N'asimba mu nsi agasozi agaginyweza ereme kubayuuzayuuza, n'ateeka mu nsi buli kiramu ekitambula, n'assa amazzi (enkuba) okuva mu ggulu n'ameza nago buli kika ky'ebirime eby'ekitiibwa.**

Bwe yamala okututegeeza ebyo, n'atugamba nti ebyo byonna by'atugambye waggulu bitonde bye, n'asoomooza abashiriku abalina amasabo, abamalira ebizibu byabwe mu masabo, abaabya ennyimbe, abasulika enseenene, abamala ekizadde.

Abakkiririza mu mpewo z'ekika, ebeeyambulira mu masanganzira, abasalira tanuulu enkoko, abalogo, abafuuwa emmindi, abaalula abalongo, abagema enkuba, abatunda ebyawongo, abakkiririza mu biggwa, abakola mu masabo n'amasiro, abakkiririza mu kuzaala emigga ne ttimba, abeeyalira Kabaka ku ttaka, abakungubagira amasiro.

Abalinnyisa emmotoka amagi nga batwala abafu, abeesiba zi yirizi, abagamba nti: kamusungusungu ndifumbirwawa?, abakkiririza mu mulongo kasowole, abatereka akalira k'omwana, abalina ebigali wansi w'ebitanda n'entanga mu

miryango, bamubuulireyo ekintu kimu kyokka ekyatondebwa ebyo byonna bye basinza ebitali ye. Bwe baba tebakirina era nga bakakasa nti tekiriiyo, bamanye nti bali mu bubuze n'obukaafiiri obw'olwatu. Bamanye nti ebibonerezo ebiruma, ebijjudde entiisa ey'amaanyi, ebitalina nkomerero bibateebeddemu. Yagamba ﷻ nti:

﴿ هَٰذَا خَلۡقُ ٱللَّهِ فَأَرُونِي مَاذَا خَلَقَ ٱلَّذِينَ مِن دُونِهِۦۚ بَلِ ٱلظَّٰلِمُونَ فِي ضَلَٰلٖ مُّبِينٖ ﴿١١﴾ ﴾ لقمان

**Ebyo byemmenye byonna bitonde bya Allah, kati mmwe mundageyo ekintu kyonna ekyatondebwa ebyo bye musinza ebitali ye. Wabula abalyazaamaanya (abalekawo Omutonzi ne basinza ebitatonda) bali mu bubuze obw'olwatu.**

# OKUZIKIRIRA KW'OMUSHIRIKU

Olw'okuba Allah ﷿ ye yekka asinzibwa mu butuufu, era ng'okusinza ekitali Allah ﷿ kuba kulumbagana kitiibwa kye, n'okumukkakkanya, n'okumunyomoola,  n'okubuuka ensalo ze nga tumufaanaganya n'okumwenkanya ne bye yatonda, by'alabirira, by'awa obulamu era by'atta, Allah ﷿ yatugaana okusinza ekintu kyonna ekitali ye, era n'akaafuwaza oyo yenna akisinza n'amulangirirako okuzikirira n'obubuze n'obubuyabuya.

N'alangirira obusungu bwe ku mushiriku, n'asazaamu emirimu gye gyonna emirungi, n'atugaana okumusaba amusonyiwe ng'afiiridde ku bushiriku, n'atugaana okumusaalira wadde okuyimirira ku ntaana ye wadde okumuziika mu limbo zaffe, n'atugaana okumusikira wadde ye okutusikira, n'amuteekako ebikolimo bye n'amulangirirako omuliro gw'atalifulumamu obugenderevu n'obugenderevu. Allah ﷾ yatulagira nti:

﴿ ۞ وَٱعۡبُدُواْ ٱللَّهَ وَلَا تُشۡرِكُواْ بِهِۦ شَيۡـٔٗاۖ ٣٦ ﴾ النساء

**Musinze Allah yekka era temumugattangako ekintu ekirala kyonna.**

N'asalawo nti:

﴿ ۞ وَقَضَىٰ رَبُّكَ أَلَّا تَعۡبُدُوٓاْ إِلَّآ إِيَّاهُ ٢٣ ﴾ الإسراء

**Yasalawo Omuleziwo nti: Temusinzanga okuggyako ye yekka.**

N'atugaana okumusinza nga bwe tusinza n'ebirala ebitali ye.

﴿ فَلَا تَجْعَلُوا۟ لِلَّهِ أَندَادًا وَأَنتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٢٢﴾ ﴾ البقرة

**Temusinzanga Allah nga mumusinza n'ebintu ebirala ng'ate mukimanyi bulungi (nti tebirina bisaanyizo bibigwanyisa kusinzibwa).**

N'akaafuwaza oyo yenna asinza ekitali ye. Yagamba ﷻ nti:

﴿ وَمَن يَدْعُ مَعَ ٱللَّهِ إِلَـٰهًا ءَاخَرَ لَا بُرْهَـٰنَ لَهُۥ بِهِۦ فَإِنَّمَا حِسَابُهُۥ عِندَ رَبِّهِۦٓ ۚ إِنَّهُۥ لَا يُفْلِحُ ٱلْكَـٰفِرُونَ ﴿١١٧﴾ ﴾ المؤمنون

**Oyo yenna asinza Allah ng'amusinzizaako ekintu ekirala ky'atalinaako bujulizi (bukigwanyisa kusinzibwa), mazima wa kwennyonnyolako eri Omulezi we (Allah). Mazima abakaafiiri ssi ba kuwona.**

N'amulangirirako obubuze obw'ewala ennyo! Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَمَن يُشْرِكْ بِٱللَّهِ فَقَدْ ضَلَّ ضَلَـٰلًۢا بَعِيدًا ﴿١١٦﴾ ﴾ النساء

**Oyo yenna agatta ku Allah ekintu kyonna, mazima ddala aba abuze olubula olw'ewala ennyo.**

N'amulangirirako obubuyabuya. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ وَمَن يَرۡغَبُ عَن مِّلَّةِ إِبۡرَٰهِـۧمَ إِلَّا مَن سَفِهَ نَفۡسَهُۥۚ (١٣٠) ﴾ البقرة

**Ate ani ayinza okuva ku ddiini ya Ibrahiim (ey'okusinza Allah yekka n'okuwakanya shirik) okuggyako oyo omubuyabuya eyasiriwaza omwoyo gwe?!**

N'amulangirirako obutaba na mirembe wadde obutebenkevu ku nsi kuno ate ng'alindiriddwa n'ebibonerezo ebyayitirira okuluma ku lunaku lw'enkomerero. Yagamba Allah ﷿ nti:

﴿ ٱلَّذِينَ ءَامَنُواْ وَلَمۡ يَلۡبِسُوٓاْ إِيمَٰنَهُم بِظُلۡمٍ أُوْلَٰٓئِكَ لَهُمُ ٱلۡأَمۡنُ وَهُم مُّهۡتَدُونَ (٨٢) ﴾
الأنعام

**Abo Abakkiriza Allah, ne batatabula Bukkiriza bwabwe na shirik beebo bokka abalina obutebenkevu era beebo bokka abali ku bulungamu.**

N'asazaamu emirimu gye gyonna emirungi gye yakulembeza okukola. Yagamba Allah ﷿ nti:

﴿ وَلَقَدۡ أُوحِيَ إِلَيۡكَ وَإِلَى ٱلَّذِينَ مِن قَبۡلِكَ لَئِنۡ أَشۡرَكۡتَ لَيَحۡبَطَنَّ عَمَلُكَ
وَلَتَكُونَنَّ مِنَ ٱلۡخَٰسِرِينَ (٦٥) ﴾ الزمر

**Mazima ddala wassibwako obubaka, era bwassibwa ne kw'abo abaakusooka okutumibwa, nti: singa ogatta ku Allah ekintu kyonna, emirimu gyo gyonna gisazibwamu n'obeerera ddala mu bafaafaaganiddwa.**

N'atugaana okumusaba asonyiwe omuntu yenna afiiridde ku bushiriku. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ مَا كَانَ لِلنَّبِيِّ وَٱلَّذِينَ ءَامَنُوٓاْ أَن يَسۡتَغۡفِرُواْ لِلۡمُشۡرِكِينَ وَلَوۡ كَانُوٓاْ أُوْلِي
قُرۡبَىٰ مِنۢ بَعۡدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُمۡ أَنَّهُمۡ أَصۡحَٰبُ ٱلۡجَحِيمِ ١١٣ ﴾ التوبة

**Tekigwanirangako ku Nabbi wadde okugwanira ku Bakkiriza okusaba Allah asonyiwe omushiriku yenna, ne bw'aba wa luganda owokulusegere, nga kimaze okweyoleka obulungi gye bali nti oyo gwe basabira wa mumuliro (olw'okufiira ku bukaafiiri)**

N'atugaana okumusaalira wadde okuyimirira ku ntaana ye ng'afiiridde ku bukaafiiri. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَلَا تُصَلِّ عَلَىٰٓ أَحَدٖ مِّنۡهُم مَّاتَ أَبَدٗا وَلَا تَقُمۡ عَلَىٰ قَبۡرِهِۦٓۖ إِنَّهُمۡ كَفَرُواْ
بِٱللَّهِ وَرَسُولِهِۦ وَمَاتُواْ وَهُمۡ فَٰسِقُونَ ٨٤ ﴾ التوبة

**Era tekakutandanga n'osaalira omuntu yenna aba afudde mubo, wadde okuyimirira ku ntaana ye (okumuziika). Kubanga mazima ddala baakaafuwalira Allah ne batuuka okufa nga boonoonefu.**

Omubaka Muhammad ﷺ n'atugaana okusikira omukaafiiri wadde tuli baavu nnyo wadde ye okutusikira wadde tuli ba musaayi gumu!! Omubaka ﷺ yagamba mu Hadiith eva ku Usaama Ibn Zaid ؓ nti:

لاَ يَرِثُ الْمُسْلِمُ الكَافِرَ وَلاَ الكَافِرُ الْمُسْلِمَ (متفق عليه)

**Omusiraamu tasikira mukaafiiri wadde omukaafiiri okusikira Omusiraamu.**

Allah ﷻ n'atukakasa nti yaziyiza Ejjana ku mushiriku. Yagamba nti:

﴿ إِنَّهُۥ مَن يُشۡرِكۡ بِٱللَّهِ فَقَدۡ حَرَّمَ ٱللَّهُ عَلَيۡهِ ٱلۡجَنَّةَ وَمَأۡوَىٰهُ ٱلنَّارُۖ وَمَا لِلظَّٰلِمِينَ مِنۡ أَنصَارٖ ﴾ (٧٢) المائدة

**Mazima oyo yenna agatta ku Allah ekintu kyonna, mazima ddala Allah yaziyiza Ejjana ku ye, Era obuddo bwe muliro, era abalyazaamaanya tebalifuna mutaasa yenna.**

N'atukakasa nti talisonyiwa muntu yenna alifiira ku shirik wadde okumusaasira. Yagamba ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَا يَغۡفِرُ أَن يُشۡرَكَ بِهِۦ وَيَغۡفِرُ مَا دُونَ ذَٰلِكَ لِمَن يَشَآءُۚ ﴾ (٤٨) النساء

**Mazima Allah tasonyiwa kumugattako kintu kyonna, so ng'asonyiwa gw'aba asazeewo okusonyiwa ezzambi lyonna eritenkana shirik.**

Allah ﷻ n'amussaako ebikolimo bye, n'amugoba mu kusaasira kwe n'amulangirirako omuliro ogwayitirira okwokya gw'atalivaamu obugenderevu n'obugenderevu. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَعَنَ ٱلۡكَٰفِرِينَ وَأَعَدَّ لَهُمۡ سَعِيرًا ٦٤ خَٰلِدِينَ فِيهَآ أَبَدٗاۖ لَّا يَجِدُونَ
وَلِيّٗا وَلَا نَصِيرٗا ٦٥ ﴾ الأحزاب

**Mazima Allah yakolimira abakaafiiri (yabagoba mu kusaasira kwe) n'abategekera omuliro ogwokya ennyo, tebaligufulumamu obugenderevu n'obugenderevu, era tebalifuna mukuumi wadde omudduukirize.**

N'atukakasa nti talibakendeerezaako n'akatono ku bibonerezo byabwe mu muliro wadde okusiriikirizaamu. Yagamba Allah عَزَّ وَجَلَّ nti:

﴿ إِنَّ ٱلۡمُجۡرِمِينَ فِي عَذَابِ جَهَنَّمَ خَٰلِدُونَ ٧٤ لَا يُفَتَّرُ عَنۡهُمۡ وَهُمۡ فِيهِ مُبۡلِسُونَ ٧٥ ﴾
الزخرف

**Mazima ba kiwagi (abakaafu) ba kuba mu muliro Jahannama bagubeeremu obugenderevu n'obugenderevu. Omuliro gwabwe tegugenda kusiriikirizibwamu wadde okukendeezebwamu akatono ennyo, wabula bagenda kugubeeramu ng'essuubi ly'okufuna obuweerero libaweddemu.**

Nsaba Allah سُبْحَانَهُ وَتَعَالَىٰ ow'ekitiibwa atutaase emitima egitatya. Atutaase emitima egitabuulirirwa wadde okwebuulirira. Atutaase emitima egitegeerera mu muliro mwokka!!

# SHAHAADA

Omukkiriza ow'ekitiibwa, oluvannyuma lw'okutegeera nti byonna ebisinzibwa ebitali Allah bisinzibwa mu bukyamu, era n'omatira nti ekisinzibwa mu butuufu ye Allah ﷻ yekka, kimanye nti buli yenna asinza ekitali Allah ﷻ aba amaze okukaafuwalira Allah ﷻ era taba Musiraamu wabula aba mushiriku omukaafiiri atalina mugabo gwonna ku Jjana ya Allah ﷻ era ayolekedde buli kika ky'obulumi n'entiisa n'okuzikirira singa afiira ku mbeera eyo - ne bw'asaala, n'asiiba, n'asaddaaka, n'akola n'emirimu emirala egikolebwa Abasiraamu.

Ekimukaafuwaza bwe butaba na makulu g'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekyo Abasiraamu bonna kye beegattako nti kye kikolo era kye kisumuluzo ky'obusiraamu. Era kye beegattako nti omuntu yenna bw'ajja okusiramuka kye tumugamba ayogere asooke abe Omusiraamu oluvannyuma tulyoke tumuwe erinnya ery'ekisiraamu nga tulimuwa amaze okufuuka Omusiraamu. Kino kitegeeza nti erinnya ly'ekisiraamu ligasa Musiraamu so ssi lye lifuula omuntu Omusiraamu.

N'olwekyo bwe kiba ng'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kye kifuula omuntu Omusiraamu n'awona obukaafiiri obuzikiriza, kikulu nnyo Omusiraamu okumanya amakulu gaakyo n'okumanya nti amakulu g'ekigambo ekyo kye twogera ge gatufuula Abasiraamu so ssi ddoboozi lyakyo eryereere.

Kino kitegeeza nti Omusiraamu ateekeddwa okumanya amakulu g'ekigambo ekyo, agakkirize era agateeke mu bulamu bwe alyoke abe Omusiraamu awone okubeera mw'abo abasiiba bakyogera ku nnimi zaabwe kyokka nga bakaafiiri.

## AMAKULU GAAKYO

***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kitegeeza nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah ﷾. Ekitegeeza nti buli kisinzibwa ekitali Allah ﷿ kisinzibwa mu bukyamu, kisinzibwa mu bubuze, kisinzibwa mu bulyazaamaanya, kisinzibwa mu bukaafiiri era tekigwanidde n'akatono kusinzibwa. Yagamba Omutonzi Allah ﷿ nti:

﴿ ذَٰلِكَ بِأَنَّ ٱللَّهَ هُوَ ٱلْحَقُّ وَأَنَّ مَا يَدْعُونَ مِن دُونِهِۦ هُوَ ٱلْبَٰطِلُ ﴿٦٢﴾ ﴾
الحج

**Ekyo lwa kuba nga mazima ddala Allah (ye yekka asinzibwa) mu butuufu. Era mazima ddala ebyo byonna bye basinza ebitali ye bisinzibwa mu bukyamu.**

Wano tuyigawo nti omuntu yenna asinza ebitali Allah ﷿ aba mukaafiiri olw'obutaba na makulu ga kigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekyo Abasiraamu bonna kye beegattako nti kye kisumuluzo ky'obusiraamu.

Oyo yenna atawakanya era atamenyawo bisinzibwa bitali Allah ﷻ taba Musiraamu ne bw'aba n'enkoloddoli ya sigida ku kyenyi ne ku kakongovule. Anti eba ng'amabavu agakwata omulimi Omusiraamu n'omukaafiiri, oba amaviivi g'abakyala Abasiraamu n'abakaafu agaddugala olw'okufukamira - sitegeeza nti okufukaamirira omuntu kukkirizibwa.

Anti ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kimulagira kumenyawo shirik ayimirizeewo Tauhiid alyoke abe Omusiraamu so ssi kukyekangirako bwekangizi bumyanso nga ku shirik kw'awangaalira, oba okukyekangirako obwekangizi amata agayiika. Soma ekitabo: ***Laa Ilaaha Ill'Allah, Amakulu Gaakyo, Empagi Zaakyo, N'obukwakkulizo bwakyo*** oyongere okunyonnyoka ensonga eno.

# EMPAGI ZA LAA ILAAHA ILL'ALLAH EBBIRI

Omukkiriza ow'ekitiibwa, bw'oba otegedde ebibambulira ebituuka ku mushiriku ku Dunia ne ku Akhirat, manya nti tewali kintu kikuyambako kuwona shiriki ng'okumanya empagi z'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekyo ky'otabuusabuusa nti kye kizimbirwako Obusiraamu. Buli lw'otegeera ebigumya omuzimbo, otegeera ebigumenya. Ate buli lw'otategeera bigumya muzimbo tosobola kutegeera bigumenya.

N'olwekyo bw'otegeera amaanyi g'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ky'okakasa nti gwe musingi gw'obusiraamu, kikwanguyira okutegeera ebikimenyawo ne bitta Obusiraamu bwo n'osobola okubyewala. Kimanye nti ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** amaanyi gaakyo gali mu mpagi bbiri era emu kuzo bw'emenyeka Obusiraamu bwo buba bufudde era oba ozikiridde oluzikirira olusinga obunene.

Empagi esooka eyitibwa **Annafi**, ekitegeeza okumenyawo n'okuwakanya byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ. Empagi ey'okubiri eyitibwa **Al Ithbaat**, ekitegeeza okunywezaawo okusinzibwa kwa Allah ﷻ yekka mu butuufu. Yagamba Allah ﷻ ng'atulaga empagi okuzimbirwa ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah***, era ng'empagi ezo ge makulu g'ekigambo ekyo agafuula akyogedde Omusiraamu nti:

﴿ فَمَن يَكۡفُرۡ بِٱلطَّٰغُوتِ وَيُؤۡمِنۢ بِٱللَّهِ فَقَدِ ٱسۡتَمۡسَكَ بِٱلۡعُرۡوَةِ ٱلۡوُثۡقَىٰ لَا ٱنفِصَامَ لَهَاۗ ﴿٢٥٦﴾ ﴾ البقرة

**Omuntu yenna awakanya ebyo byonna ebisinzibwa ebitali Allah, n'akkiriza Allah (nti ye yekka asinzibwa mu butuufu), aba yeekutte ku muguwa omugumu ogutakutuka (*Laa Ilaaha Ill'Allah*).**

Ow'ekitiibwa Allah ﷻ atulaze mu Ayat eyo waggulu nti omuntu tasobola kuba na ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** okuggyako ng'amenyawo byonna ebisinzibwa ebitali ye (Annafi), ate n'anywezaawo okusinzibwa kwe yekka (Al Ithbaat). Okimanyi bulungi nti n'abashiriku abeeyita Abasiraamu boogera ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah***. Kati weetegereze empagi zino ebbiri wansi osobole okwawula wakati wa shahaada y'omusiraamu ne shahaada y'omushiriku omukaafiiri eyeeyita Omusiraamu.

# ANNAFI

Okimanyi bulungi nti waliwo ebintu bingi nnyo ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ. Ebintu ebyo byonna bisinzibwa mu bukyamu. Anti wakitegedde dda nti tebirina bulezi bwonna bwe birina eri ebitonde wabula nabyo bitonde byennyini ebirerwa obulerwa nga birerwa nannyini kubitonda Allah ﷻ. Kyokka wadde tebigwanidde kusinzibwa, abantu bangi basigala babisinza mu bubuze, mu bukaafiiri, mu bubuyabuya n'obulyazaamaanya obw'ekika ekya waggulu!

Waliwo abasinza lubaale nga gwe basaba okubatuusaako ebiruubirirwa byabwe n'okubaggyirawo ebizibu! Waliwo abasinza s'abakaafiiri dajjaali Bishaka! Waliwo abasinza entaana y'omukaafu Ngobya. Waliwo abasinza abalongo! Waliwo abasinza ejjirikiti nga buli kifudde bakisuula kulyo! Waliwo abasinza ebyoto bya lubaale!

Waliwo abasinza empewo ez'ekika mbu nga bwe zibafuuwako ebyesibye bitaggulukuka! Waliwo abasinza abafu nga bakungaana ne balima ebiggya ne baloopa ebizibu byabwe eri abafu abo ng'abamu beerimbise mu kye bayita 'okumanyagana'! Waliwo abasinza ebigali bye bassa wansi w'ebitanda! Waliwo abawanika entanga mu miryango zitangire ebizibu okuyingira mu nju! Waliwo abasaddaakira ensozi oba emigga n'ebirala.

Waliwo abaabya ennyimbe! Waliwo abagema enkuba! Waliwo abeesiba zi yirizi! Waliwo abafuuwa emmindi ez'ekishiriku

zibamalire ebizibu! Waliwo abasinza amasanganzira nga balowooza nti galimu amaanyi agatali mu bifo ebirala! Waliwo abakkiriza nti waliyo amanyi ebyekwese atali Allah ﷻ.

Ebintu ebyo byonna, n'ebirala bingi nnyo bye ssimenye okubiwakanya, n'okubivumirira, n'okubitamwa, n'okubirengezza, n'okubitiisa abantu abalala obutabikola ye mpagi esooka ey'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** eyitibwa: **Annafi** – ekitegeeza okumenyawo obutuufu bw'okusinzibwa kw'ebyo byonna ebitali Allah ﷻ.

Annafi kye kitundu ekisooka eky'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekiyitibwa ***Laa Ilaaha*** nga tonnamalayo nti: ***Ill'Allah***. Buli lw'ogamba nti: ***Laa Ilaaha*** nga tonnamalayo nti: ***Ill'Allah***, oba omenyawo era ng'owakanya byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ era ng'obirangirirako olutalo nti bisinzibwa mu bukyamu, mu bubuze, mu bukaafiiri, mu bulyazaamaanya era ng'olangirira olutalo olw'etteeka ku buli yenna abisinza nti mukaafiiri ssi Musiraamu wadde ng'esswala temuyitako.

Anti talina kigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekyo ekizimbirwa ku mpagi ebbiri: Esooka: okumenyawo shirik (***Laa Ilaaha – Annafi)***, Ey'okubiri: Okuyimirizaawo Tauhiid – okusinzibwa kwa Allah ﷻ yekka mu butuufu ***(Ill'Allah – Al Ithbaat)***. Buli mushiriku ekimufuula omukaafiiri butaba na mpagi ya ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** esooka. Obujulizi bw'empagi eno twabulabye mu Ayat ebbiri eziri waggulu.

# AL ITHBAAT

Kitegeeza okunywezaawo n'okukakasa okutaliimu kakunkuna konna nti asinzibwa mu butuufu ye Allah ﷻ yekka. Anti twalabye dda waggulu ensonga ezimugwanyisa okusinzibwa; ye mutonzi waffe, y'atulinako obuyinza n'obufuzi obujjuvu - ate ng'atufugira mu bwenkanya n'okusaasira okuyitirivu, y'atuteekerateekera embeera z'obulamu bwaffe zonna. N'olwekyo amusinza yekka aba amusinzizza mu butuufu, mu bwenkanya, mu bulungamu.

'Al – Ithbaat' kye kitundu eky'okubiri eky'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekiyitibwa ***Ill'Allah*** ekitegeeza nti: 'Okuggyako Allah'. Buli lw'ogamba nti ***Ill'Allah*** oba oyimirizaawo okusinzibwa kwa Allah ﷻ yekka mu butuufu.

Empagi ezo ebbiri (Annafi ne Al - Ithbaat) bwe zikungaanira mu muntu, natebagala bizimenyawo, aba Musiraamu yennyini ateekeddwa okuyingira Ejjana ya Allah ﷻ. Anti ali ku mulamwa gwennyini ogwatumisa ba Nabbi bonna; Kulagira bantu basinze Allah ﷻ yekka beewale okusinza byonna ebitali ye era ng'ago ge makulu ga ***Laa Ilaaha Ill'Allah***. Allah ﷻ yagamba nti:

﴿ وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِى كُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولًا أَنِ ٱعْبُدُوا۟ ٱللَّهَ وَٱجْتَنِبُوا۟ ٱلطَّٰغُوتَ ﴿٣٦﴾ ﴾

النحل

**Mazima buli kibiina ky'abantu twakitumamu omubaka (ne tumulagira abagambe nti): Musinze Allah yekka, mwewale okusinza ebyo byonna ebitali ye.**

Oyo yenna alina essabo, oba omukubi w'ekitabo, amalira ebizibu bye mu ssabo, ayalula abalongo, ayabya olumbe, agema enkuba, alina yirizi oba agisiba mu baana ng'agyesigamira, oba atunda ebyawongo, oba asalira omusingi embuzi, oba n'asalira tanuulu enkoko, oba akuuma akalira k'omwana.

Oba alwana obutakaziikira ku mwana mbu bwe kaziikirwako omukyala taddamu kuzaala, oba abakuuma ensawo omwana mw'akulira mu lubuto lwa maamawe ne bagigulumiza era ne bagikolerako emikolo nga bagiyita omwana ow'okubiri, aba tamenyawo shirik era aba mushiriku olw'obutaba na kigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah***.

Wadde akyogera n'olulimi lwe naye tekimugasa era tekimufuula Musiraamu kubanga amakulu g'eddoboozi lyakyo ge gamufuula Omusiraamu so ssi ddoboozi eryereere eritazimbiddwa ku makulu. Amakulu gaakyo gali nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu ***(Laa Ilaaha)*** okuggyako Allah ﷻ ***(Ill'Allah).*** Anyumirwa obunyumirwa eddoboozi lyakyo nga tafa ku makulu gaakyo ng'alinga afuuwa oluwa olutalina makulu taba Musiraamu.

Bameka abeewaana era abeenyumiriza mu kigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** kyokka nga beewaana na ddoboozi lyokka eritazimbiddwa ku makulu?! Baalula abalongo nga bwe bakyogera! Bafuuwa emmindi nga bwe bakyogera! Baloga nga bwe bakyogera! Batunda ebyawongo nga bwe bakyogera!

Bakungubagira amasiro agajjuddemu amasabo ne shirik owa buli kika ne basonda ne sente z'okugazzaawo nga bwe bakyogera!! Balina entanga mu miryango ezitangira ebizibu okuyingira mu nju! Bakkiririza mu mpewo z'ekika nga bwe bakyogera! Gwe akola ebyo ddala ddala oli Musiraamu? Njawulo ki gy'olina n'abakaafiiri abalala? Basinza ebitali Allah ﷻ naawe osinza ebitali Allah! Njawulo ki?

N'olw'ekyo eyeesala eddagala ly'obukuumi (eyeesandagga), oba ery'amagezi, oba ery'emikisa, oba ery'obugagga, oba ery'obuganzi, oba ery'emirimu, oba eyeesiba yirizi n'ajeesigamira okumutangira ebizibu oba okumuleetera emigaso, oba avunnamira ekitali Allah ﷻ, oba asulika enseenene ng'agamba nti erimu amaanyi agabongoosa endala ne zitapaaluuka, oba abasaba ebitali Allah ﷻ ebintu ebyeyawulidde Allah; ng'oluzaalo, obulungi, emikisa, obuganzi, obugagga, obuwanguzi, amagezi, emirembe n'ebirala.

Oba abagamba nti omukyala taba na ddiini, eddiini y'omwami we y'eddiini ye. Oba abagamba nti amadiini ag'enjawulo makubo bukubo agatutuusa fenna eri Allah ﷻ ng'atusiimye! Anti mbu ayise e Kibuye n'ayise e Wakaliga bonna batuuka e Nateete!

Oba mbu ayise e Gayaaza n'ayise e Mukono bonna batuuka e Kayunga. Oba abanoonyeza emikisa gyabwe mu mmunyeenye z'omumpapula z'amawulire, Oba abakkiririza mu ba lubaale:

Ddungu, Kibuuka, Mukasa, Musoke, Muwanga, Kiwanuka, Ndaula, n'abalala.

Omuntu yenna akola ekimu ku bintu ebyo byemmenye n'ebirala ebiyitirivu ebibifaanana bye simenye, akimanye nti mukaafiiri omubuze ow'olulango. Allah ﷾ yamukolimira n'amugoba mu kusaasira kwe. Emirimu gye gyonna emirungi Allah yagisazaamu dda era ne gy'akola nga tannava ku shirik Allah ﷿ tagikkiriza.

Bw'afiira ku mbeera eyo nga teyeenenyezza kuva ku shirik akimanye nti talikomba ku Jjana era obuddo bwe muliro gw'atalivaamu obugenderevu n'obugenderevu - ne bw'afiira e Makka ng'avunnamye, ng'ayambadde ekkanzu n'enkoofiira, ku lunaku lw'ejjuma, mu mwezi gwa Ramadhan. Anti ebyo byonna bigasa Musiraamu tebigasa mukaafiiri.

Taguumaazibwa eky'okuba nti yeeyita oba ayitibwa seeka, oba Hajj, oba Hajjat, oba Musiraamu, oba Swaaba, oba Jjama, oba Yaakhe oba nti baamutayiriza lumuli. Ekitaasa omuntu mu maaso ga Allah ﷿ si mannya abantu ge bamuyita olw'obutamanya by'akola nga yeekwese, wabula ekyo Allah ﷾ ky'amanyi era ky'alaba mu mutima gwe kye kimutaasa oba kye kimuzikiriza.

Kasita okakasa nti okola shirik matira nti toli Musiraamu wadde tewali muntu yenna amanyi bigali bye wassa wansi w'ekitanda. Yanguwa mangu nnyo weenenye. Gwe tolaba bano

abannanfuusi abeeyita Abakkiriza, Allah ﷻ amanyi ebiri mu mitima gyabwe n'abalimbisa?!! Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَمِنَ ٱلنَّاسِ مَن يَقُولُ ءَامَنَّا بِٱللَّهِ وَبِٱلْيَوْمِ ٱلْأَخِرِ وَمَا هُم بِمُؤْمِنِينَ ﴿٨﴾ ﴾ البقرة

**Ne mu bantu mulimu abagamba nti bakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero kyokka nga ssi Bakkiriza.**

Mbu wali "ewa Musiraamu ku dduuka" kyokka nga mu dduuka lye mulimu kasendabaguzi!! Oba nti gali maka ga Hajj oba Hajjat gundi … kyokka nga mu maka ago mulimu essabo oba obuyumba omukuumirwa empewo z'ekika!! Oba ng'abantu bakuyita Swaaba kyokka nga mu moneypass mulimu ejjanzi ekkalu erinoonya emirimu, oba ng'obwereere wabusibako ekyayi mbu okutangira omuzimu gwa mukyalawo eyafa!!!!!!

Omusiraamu musiraamu abantu ne bwe bamuyita omukaafiiri, n'omukaafiiri mukaafiiri abantu ne bwe bamuyita Omusiraamu. Nsaba Allah ﷻ atutaase obukaafiiri atukuumire enzikiriza zaffe tumusisinkane ng'atusiimye.

# SHA! TWALA ERI NAAWE!!

Mbu waliwo eyeekanze ennyo era mbu n'enviiri ne zimuva ku mutwe, n'agamba nti: "Sha!! Twala eri naawe! Leka kukaafuwazakaafuwaza Basiraamu; Omuntu asobola okwogera ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** nga ssi Musiraamu?!!!"

Mwanukule nti: "Yee! Kisobokera ddala bulungi nnyo; anti ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** tekiringa luwa olufuuyibwa obufuuyibwa nga terulina makulu. Kirina amakulu amazito ennyo ennyo era ag'ekitiibwa ennyo ddala era amakulu ago ge gafuula akyogedde Omusiraamu era obusukkulumu bw'amakulu gaakyo bwe bwakisukkulumya ku bigambo ebirala byonna mu nsi ne mu ggulu.

Akyogera bw'agamba nti ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekitegeeza nti tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah ﷻ, ate n'agenda mu ssabo n'asaba lubaale ebyeyawulidde Allah ﷻ, aba amenyewo ky'ayogedde era aba amaze okukaafuwala butereevu. Alina okumenyawo shirik n'ayimirizeewo Tauhiid n'alyoka aba Omusiraamu. Akyogera ng'ate bw'akola ne shirik aba ng'omuntu alya ekyemisana ng'ate bw'akakasa abamulaba nti yasiibye!!".

Naawe mugambe nti: "Sha! Twala eri naawe! Tokimanyi nti n'omunnanfuusi akyogera so ng'abasiraamu bonna bakakasa nti mukaafiiri ali wansi w'abakaafiiri ab'olwatu ku ntobo y'omuliro jahannama?!" Allah ﷻ yagamba nti:

﴿ إِنَّ ٱلۡمُنَٰفِقِينَ فِي ٱلدَّرۡكِ ٱلۡأَسۡفَلِ مِنَ ٱلنَّارِ وَلَن تَجِدَ لَهُمۡ نَصِيرًا ﴿١٤٥﴾ ﴾ النساء

**Mazima abannanfuusi bali wansi ku ntobo y'omuliro era tolibafunira mutaasa yenna.**

**Singa agamba nti**: "Sha! Twala eri naawe! Temukaafuwazakaafuwaza Basiraamu; omuntu asaala mugamba mutya nti asobola okuba nga ssi Musiraamu?!!" Mwanukule nti: N'abannanfuusi basaala era ne Allah ﷻ yennyini yatukakasa nti basaala. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَإِذَا قَامُوٓاْ إِلَى ٱلصَّلَوٰةِ قَامُواْ كُسَالَىٰ ﴿١٤٢﴾ ﴾ النساء

**Bwe bayimirira eri esswala, bayimirira nga bagayaavu.**

Kyokka Abasiraamu bonna bamativu nti bakaafiiri abasinga n'abakaafiiri ab'olwatu obubi. Bwe baagaana okumenyawo ebisinzibwa ebitali Allah ﷻ, ne batebenkeza emitima gyabwe ku Busiraamu, esswala zaabwe tezaabagasa era Allah ﷻ yabalamulako nti ba kuba wansi ku ntobo y'omuliro Jahannama nga aya eri waggulu bw'ogiraba obulungi.

**Singa agamba nti**: "Sha! Mutwale eri nammwe!! Temukaafuwazakaafuwaza Basiraamu; omuntu eyawaayo ettaka ne kuzimbibwako omuzikiti n'essomero ly'obusiraamu asobola atya okuba omukaafiiri?! Mwanukule nti: Kasita aba mushiriku ebyo byonna tebimugasa!!

Anti ebyo byonna bigasa Musiraamu so ssi mukaafiiri era ssi bye bifuula abikoze Omusiraamu. Tolaba Allah ﷻ bwe yatukakasa nti akimanyi bulungi nti n'abakaafiiri bawaayo emmaali yaabwe kyokka n'atukakasa nga tukyali ku nsi nti takkiriza kuwaayo kwabwe?! Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَمَا مَنَعَهُمْ أَن تُقْبَلَ مِنْهُمْ نَفَقَاتُهُمْ إِلَّا أَنَّهُمْ كَفَرُوا

بِاللَّهِ وَبِرَسُولِهِ ﴿٥٤﴾ ﴾ التوبة

**Naawe mugambe nti**: sha!! Twala eri naawe!! Bulijjo tokimanyi nti taata wa Nabbi ﷺ omuto ayitibwa Abu Twalib yalwanirira nnyo Nabbi ﷺ kyokka teyagasibwa Ibaada eyo ey'ekitiibwa olw'okuba yagikola mushiriku era n'alemera ku bushiriku n'abufiirako?!

Tolaba ng'abasiraamu bonna baamwegattako nti wa mu muliro obugenderevu n'obugenderevu kyokka nga bakimanyi bulungi nnyo nti yataasa nnyo Nabbi waabwe?! Kati ggwe ataasa Obusiraamu ng'olina essabo njawulo ki gy'olina ku Abu Twalib?

**Singa agamba nti**: "Sha! Mutwale eri nammwe!! Temukaafuwazakaafuwaza Basiraamu; omuntu alina erinnya ly'ekisiraamu mugamba mutya nti asobola okuba nga ssi Musiraamu?!"

Mwanukule ng'omubuuza nti mwetegefu okusaalira Salim Saleh, Shaban Bantariza, pastor Jamaada, pastor Umar Mulinde, Husein Barack Obama singa bafiira mu bukaafiiri bwe balimu olw'amannya g'ekisiraamu ge balina?!!

Mubuuze era nti takimanyiko nti Swahaaba ow'ekitiibwa ayitibwa Umar Ibn Al Khattwabi ﵁ yayigganyanga Abasiraamu nga tannasiramuka nga mu kiseera ekyo yali mukaafiiri ng'erinnya lye ye Umar?

**Singa agamba nti**: "Sha! Mutwale eri nammwe!! Temukaafuwazakaafuwaza Basiraamu; mwogera mutya ku sseeka ayogera oluwarabu nti ssi Musiraamu mbu olw'okuba akuba ekitabo (asamira mu luwarabu)?!" Mwanukule ng'omubuuza nti: Seeka oyo luwarabu alusinga Abu Jahal? Oba alusinga ba taata ba Nabbi ﷺ abato Abu Twalib ne Abu Lahab fenna be tukakasa nti baafa bakaafiiri?

Baayogeranga luganda oba lukiga? Talaba nga tusinza Allah ﷻ nga tukakasa ku Abu Lahab gwe tutabuusabuusa nti yali mwogezi wa luwarabu omuliro? Talaba nga Allah ﷻ nannyini Busiraamu yamukakasaako omuliro nga tebimukutteeko nti ayogera luwarabu oba nti alina oluganda ku Nabbi ﷺ? Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ سَيَصْلَىٰ نَارًا ذَاتَ لَهَبٍ ﴿٣﴾ ﴾ المسد

**Omuliro gujja kumwebungulula okuva mu buli ludda.**

**Singa agamba nti**: "Sha! Mutwale eri nammwe!! Temukaafuwazakaafuwaza Basiraamu; Omuntu ataggya nkoofiira ku mutwe asobola okuba nga ssi Musiraamu?! Mwanukule ng'omubuuza nti: Singa Pastor, oba Faaza, oba omusamize yenna ateeyita Musiraamu agyambala ku mutwe gwe tenywererako? Eyinza okuleekaana nti abange! Yuuno pastor, oba faaza annyambadde?!

Enkoofiira kabonero bubonero akaawula Omusiraamu ku mukaafiiri so ssi y'efuula agyambadde Omusiraamu. Tolaba ng'omukaafiiri bw'agyambala onyiiga?! Waalibadde ogamba bugambi nti: Alhamdulillah asiramuse.

Naye olw'okuba naawe okimanyi bulungi nti n'omukaafiiri asobola okugyambala, bw'omulaba ng'agyambadde onakuwala era n'omutwala nti ajeeja Busiraamu. Bw'ogyambala ng'oli Musiraamu oba Musiraamu era ogifunamu empeera, ate bw'ogyambala ng'oli mukaafiiri - ne bw'ogisibirako ne super glue nga tevaako ne bw'oba mu buliri - eba eri ku mutwe gwa mukaafu.

# KYENNYAMIZA NNYO

Kyennyamiza nnyo nnyo nti abantu bangi bwe bakola shirik abaggya mu Busiraamu, ne bategeezebwa nti kye bakoze kibakaafuwaza, beesekera bwesekezi mu kujereegerera n'okwewuunya okw'obubuyabuya nga bwe bagamba nti: Tuva tutya mu Busiraamu nga twogera ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah***?!

Olw'obuyitirivu bw'obubuyabuya bwabwe n'entegeera yaabwe ennema, balowooza nti ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekisinga ebigambo byonna ebiri ku nsi ekitiibwa kyogerwa bwogerwa tekirina makulu!! Mbu kyo oyogera kyogere ne weekolera by'oyagala!!!!!

N'obasanga nga basaala ng'ate wansi w'ebitanda balinayo ebigali mbu ebibaleetera obugagga oba emirembe! Ne basiiba Ramadhan kyokka nga balogo! Ne bagenda e Makka kyokka ng'ebizibu byabwe babimalira mu masabo! Ne basaddaaka mu mizikiti nga bwe basaddaakira ne lubaale mu masabo! Ne basalira abaana baabwe akiika ng'ate bwe baalula n'abalongo!

Ne bagulumiza emizikiti ng'ate bwe bagulumiza n'amasabo wamu n'ebiggwa! Ne bagulumiza ba maseeka mu mizikiti ng'ate bwe bagulumiza n'abasamize mu masabo! Ne basaba Allah ﷻ abataggululire emirimu gyabwe ng'ate mu maduuka gaabwe mulimu kasendabaguzi! Ne bavunnamira Allah ﷻ ng'ate bwe beeyalira ne Kabaka ku ttaka! Ne bakawangamula nti: Obusiraamu n'eby'obuwangwa birongo!!!!!!!!!!!!

N'omusanga ng'atikidde entalabuusi ku mudaala gwe ogutunda ebikozesebwa mu shirik; ensiriba, ensumbi, ensimbi enganda, emmindi ez'emimwa esatu, eminya emikalu, amayembe g'obusolo obufu, amaliba g'ebisolo ebifu, emmese enkalu, amagongolo amakalu, ebisusunku by'amakovu, endeku ez'embalabe, agabugobugo, amagumba g'ebisolo ebifu, ne kafunkunaali omulala ataleka muntu mu Busiraamu.

N'omusanga nga mukulembeze mu muzikiti ate ng'era mukulembeze mu bibiina by'abasawo ab'ekinnansi abasamize abakaafiiri! N'omusanga nga Imaam ku muzikiti akubiriza abantu okutya Allah ﷻ ng'ate mukubi wa kitabo abawa ne zi yirizi z'emirimu! N'omusanga ng'ejjuma temuyitako kyokka ng'asalira tanuulu enkoko oba omusingi oba akasolya oba ekidduka! Memba ku lukiiko lw'omuzikiti ate abaana be abasibamu zi yirizi!

Alina sigida mu kyenyi ate mwabi wa nnyimbe kayingo! Mbu famire nsiraamu nnyo ate ekungaana n'erima ku biggya abafu abaanyiiga ne bakwata riziki yaabwe bagite! Ye Sulaimaan ate asulika enseenene!

Ye Muhammad ate awalula embuzi efudde n'agisomosa emitala okutuusa lw'agituusa ku jjirikiti! Ye Saidi ate ye mukugu mu kugema enkuba ku kyalo! Hajjat Bitijjuma omukulu w'ekiggwa kya kawulukusu! Hajjat Masenge asamirira emmandwa ya Kawaawa! Subhaanallah! Abo nabo Basiraamu?!

Ebyo byonna babikola nga shaitwan eyakolimirwa bw'ebagumya nti: Temufaayo, mwe mukanye kwogera kigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah***! Muli Basiraamu wadde mukola shirik! Tewali asobola kukaafuwala ng'ayogera ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah***! Ebyo bye mukola si shirik, bya buwangwa ebitalina mutawaana! Abo ababagamba nti mukola shirik bannalukalala! Bayeekera! Balabe ba Buganda!

Ba ludiinidiini!! Beetukuzatukuza!! Beeyita batuukirivu nnyo!! Baagala kukyankalanya Basiraamu!! Beetaaga kuloopa mu b'obuyinza!! Ye eddiini n'ebyobuwangwa kiki ekyasookawo?! Ye eby'obuwangwa ani yabitonda, si Allah?! Temubawuliriza abo, bamala na kwetereeza ate ne balyoka bajja ne beefuula abatuukirivu! Munywerere ku by'obuwangwa byammwe!! Temubivaako!!

﴿ وَٱنطَلَقَ ٱلْمَلَأُ مِنْهُمْ أَنِ ٱمْشُوا۟ وَٱصْبِرُوا۟ عَلَىٰٓ ءَالِهَتِكُمْ ۖ إِنَّ هَٰذَا لَشَىْءٌ يُرَادُ ﴿٦﴾ ﴾ ص

**Abakungu mubo ne beekandagga nga bwe bagamba abantu nti: Munywere era mugumire ku bye musinza (ebitali Allah). Mazima ono yeenoonyeza bibye.**

***Innaa Lillaahi wa Innaa Ilaihi raaji'uun.***

So nga Allah ﷻ yatulabula dda nti shaitwan okuva edda n'edda eri ku kaweefube wa kukungaanya b'enaabeera nayo mu muliro oluvannyuma lw'okuggwamu essuubi ly'okuwona omuliro: Yatulabula ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱلشَّيۡطَٰنَ لَكُمۡ عَدُوّٞ فَٱتَّخِذُوهُ عَدُوًّاۚ إِنَّمَا يَدۡعُواْ حِزۡبَهُۥ لِيَكُونُواْ مِنۡ أَصۡحَٰبِ ٱلسَّعِيرِ ٦ ﴾

**فاطر**

**Mazima shaitwan mulabe wammwe, nammwe mumufuule omulabe. Mazima ddala akoowoola ekibinja kye kibeere mu bannanyini muliro.**

Bannaffe abo beerabidde nti shirik gwe bakola amenyawo Obusiraamu bwabwe n'okusinza kwabwe kwonna. Era beerabidde nti ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** ekitabava ku lulimi kibalagira kumenyawo na kwesamba shirik balyoke babeere Abasiraamu!

Beerabidde nti: Okusaala kwabwe, n'okuwaayo, n'okusiiba, ne Hijja n'emirimu emirala gyonna emirungi gye bakola gibamenyera bwereere era tegirina mugaso gwonna gye bali kubanga Allah ﷻ takkiriza kusinza kwa mushiriku ne bwe kuyitirira. Afa nga mushiriku tava mu muliro, ne bw'afiira e Makka, mu kisiibo, ku lunaku lw'ejjuma, ng'avunnamye, ng'ayambadde ekkanzu n'enkoofiira.

# EBY'OBUWANGWA DDIINI

Omukkiriza ow'ekitiibwa, kikulu nnyo nnyo era okumanya nti Obusiraamu nga tebunnajja wano, abaganda baabanga n'eddiini mwe baasinzizanga. Baasinzanga lubaale ayitibwa Kibuuka, era nga bakkiriza nti y'abawa obuwanguzi mu ntalo zaabwe. Nga gwe balaajanira okubataasa nga basisinkanye abalabe baabwe.

Baasinzanga lubaale Ddungu, nga bakkiriza nti y'avunaanyizibwa ku by'ensiko! Nti y'abasobozesa okukwata ensolo ze bayigga mu ttale. N'okutuusa olwaleero enjogera y'ekishiriku - eri haraam - egamba nti: "ddungu ayizze" ekyali mmanyifu nnyo.

Baasinzanga lubaale Mukasa, nga bakkiriza nti y'avunaanyizibwa ku nsonga zonna ez'ennyanja. N'okutuusa olwaleero abashiriku abakaafu bakyasaba Mukasa w'ennyanja okubasomosa ennyanja era bayimbira obuyimba ku maato obutendereza Mukasa mbu abatuuse e mitala. Baasinzanga Kiwanuka, Muwanga, Musoke nga y'avunaanyizibwa ku by'enkuba - ne ba lubaale abalala abaasinzibwanga mu kizikiza ne mu bubuze obw'ekika ekya waggulu.

Oluvannyuma Allah ﷻ olw'okusaasira kwe yatutumira omubaka we ow'ekitiibwa Muhammad ﷺ atuggye mu kizikiza ky'obutamanya atuzze mu kitangaala ky'okutegeera eyatutonda n'ekyatutonza. Allah ﷻ atujjukiza ekyengera kino eky'amaanyi nti:

﴿ لَقَدۡ مَنَّ ٱللَّهُ عَلَى ٱلۡمُؤۡمِنِينَ إِذۡ بَعَثَ فِيهِمۡ رَسُولٗا مِّنۡ أَنفُسِهِمۡ يَتۡلُواْ عَلَيۡهِمۡ ءَايَٰتِهِۦ
وَيُزَكِّيهِمۡ وَيُعَلِّمُهُمُ ٱلۡكِتَٰبَ وَٱلۡحِكۡمَةَ وَإِن كَانُواْ
مِن قَبۡلُ لَفِي ضَلَٰلٖ مُّبِينٍ ١٦٤ ﴾ آل عمران

**Mazima ddala Allah yawa Abakkiriza ekyengera eky'amaanyi bwe yabatumamu Omubaka nga muntu nga bbo, abasomere amateeka ge era abatukuze (okubaggya mu shirik n'obwonoonefu) era abasomese Qur'aan ne Sunnat, kyokka ng'oluberyeberye nga tannatumibwa baali mu bubuze obw'olulango.**

Oluvannyuma lw'okufa kw'omubaka Muhammad ﷺ, abagoberezi be baakola omulimu gw'okusaasaanya Obusiraamu mu nsi yonna okutuusa naffe wano e Uganda obubaka lwe bwatutuukako ng'abaabuleeta baatusanga mu kizikiza ky'okusinza ebyo by'olabye waggulu wamu ne shirik omulala omuyitirivu gwe baayitanga eby'obuwangwa n'ennono.

Ebyo abashiriku bye bayita eby'obuwangwa ddiini yennyini eyasangibwawo Obusiraamu era erina n'amasinzizo amatongole agamanyiddwa buli omu agayitibwa amasabo n'ebiggwa ewakolerwa buli kika ky'obushiriku era balina n'abawalimu abayitibwa abasamize!!

# OKWABYA OLUMBE

Mu ddiini eyo, abaganda abashiriku bakkirizanga nti omuntu talina kufa! Alina okubaawo obugenderevu n'obugenderevu!! Era bakkiriza nti ekikulekule ki Walumbe, kitabani kya Ggulu, kyannyina kya Nambi, kikoddomi kya Kintu, kiganda kya Kayiikuuzi kye kitta abaana ba Kintu mu bulyazaamaanya olw'empalana eri wakati waakyo ne Kintu.

N'olw'ekyo omuntu bw'afa, bakungaana okukikolako olutalo lw'okukiyuzaayuza bakyabye bakifulumye mu nju kireke kuddamu kutta balala. Okwo bagattako obushiriku obulala bungi - ng'okulya akatogo akataliimu munnyo, mbu omutwe gulina kuliibwa bajjwa, awo ne bakwata ekibugo ne bakizinga ku musika, ne bamukwasa effumu, omukulu w'ekika n'ajja n'akola emikolo gy'okusumika egy'ekishiriku n'agamba omusika nti: empewo za ba jajjaabo zikubeereko olamule nga bwe baalamulanga!!

Eyo ye yali entegeera y'abaganda ng'obusiraamu tebunnajja era kye kizikiza kye baawangaalirangamu mu bubuze obw'ekika ekya waggulu so ng'ekyennaku bangi n'okutuusa olwaleero nga n'abamu beeyita Basiraamu bakyali mu kidiini ekyo! Emyaka n'emyaka nga bali ku ki walumbe bakyabya, bakitta era mbu nga bwe bakifulumya kyokka nga nakyo bwe kigenda mu maaso n'okubatta n'okubasomba buli lunaku!!

Kitegeeza nti kye baabya tekyabika, kye batta tekifa, kye bafulumya kibasinga amaanyi tebasobola kukifulumya - ng'omugezi alina kukyesonyiwa, oba kitegeeza nti balwana na bbanga! Balwana na magezi gaabwe! Balwana na kutegeera! Bukaafiiri n'obubuyabuya bye bibaboyaanya. Shaitwan ye yabafungamako basobole okuba nayo mu muliro!

Bwongo bwa ngeri ki obwo obutasiriikirira ne bwebuuza omulamwa gw'okwabya ekintu ng'ate bwe kigenda mu maaso n'okusomba abakyabya?! Buwanguzi ki obwali butuukiddwako bukyanga batandika okukyabya?! Olutalo bwe lukulema towanika? Bo abaatandikawo okulwabya baliwa?! Bwe kiba nga n'abaatandikawo okwabya olumbe baafa kati ffe olwo tuli ku mulamwa ki?

Obusiraamu bwe bwajja, ne butuggya mu kizikiza ekyo n'obubuyabuya obwo obunakuwaza ne bututegeeza nti Allah ﷿ y'avunaanyizibwa ku bulamu bwaffe n'okufa kwaffe. Allah ﷿ n'atutegeeza nti:

﴿ وَٱللَّهُ يُحۡيِۦ وَيُمِيتُۗ وَٱللَّهُ بِمَا تَعۡمَلُونَ بَصِيرٞ ١٥٦ ﴾ آل عمران

**Allah y'awa obulamu era y'atta, era Allah byonna bye mukola abiraba bulungi.**

Allah ﷾ n'agamba nti:

﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَهُۥ مُلۡكُ ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلۡأَرۡضِۖ يُحۡيِۦ وَيُمِيتُۚ وَمَا لَكُم مِّن دُونِ
ٱللَّهِ مِن وَلِيّٖ وَلَا نَصِيرٖ ﴿١١٦﴾ ﴾ التوبة

**Mazima Allah ye nannyini bufuzi bw'eggulu n'ensi. Awa obulamu era y'atta. Temulinaayo mukuumi wadde omutaasa atali Allah.**

Allah ﷾ n'atunnyonnyola engeri gy'atuttamu; n'atutegeeza nti omuntu essaawa ye ey'okufa bw'etuuka, atuma malaika ye gye yakwasa omulimu gw'okutwala emyoyo gy'abaddu be n'emuggyamu omwoyo. Allah ﷾ yagamba nti:

﴿ ۞ قُلۡ يَتَوَفَّىٰكُم مَّلَكُ ٱلۡمَوۡتِ ٱلَّذِي وُكِّلَ بِكُمۡ ثُمَّ إِلَىٰ رَبِّكُمۡ تُرۡجَعُونَ ﴿١١﴾ ﴾
السجدة

**Bagambe nti abaggyamu emyoyo ye Malaika w'okufa oyo Allah gwe yabateerawo, oluvannyuma eri omulezi wammwe (Allah) gye muddizibwa.**

N'atubuulira n'ensonga lwaki yatonda obulamu n'okufa - ng'ensonga eyo kwe kutugezesa tusobole okuvuganya mu kukola emirimu emirungi tusobole okuwangula obulamu bw'enkomerero obujjuvu obw'olubeerera tuwone obulamu bw'ensi obumpi, obukendeevu, obw'akanyigo. Asinga okukola emirimu emirungi nga mituufu y'asinga ekitiibwa mu maaso ga

Allah سبحانه وتعالى era y'asinga okuba mu kuwona n'okwesiima ng'azze mu maaso ge. Yagamba Allah سبحانه وتعالى nti:

﴿ ٱلَّذِى خَلَقَ ٱلْمَوْتَ وَٱلْحَيَوٰةَ لِيَبْلُوَكُمْ أَيُّكُمْ أَحْسَنُ عَمَلًا ۚ وَهُوَ ٱلْعَزِيزُ ٱلْغَفُورُ ﴿٢﴾ ﴾ الملك

**Oyo eyatonda okufa n'obulamu abagezese nabyo ani asinga okulongoosa emirimu emirungi. Era (Allah) ye w'amaanyi ennyo, Omuyitirivu w'okusonyiwa.**

N'atukakasa nti tewali muntu yenna atagenda kukomba ku kufa era tewali muntu yenna alibeera ku Dduniya obugenderevu n'obugenderevu. Yagamba عز وجل nti:

﴿ وَمَا جَعَلْنَا لِبَشَرٍ مِّن قَبْلِكَ ٱلْخُلْدَ ۖ ﴿٣٤﴾ ﴾ الأنبياء

**Tewali muntu yenna gwe twali tuwaddeko obulamu obw'olubeerera ku nsi nga tonnatumibwa.**

N'akikkaatiriza nti:

﴿ كُلُّ نَفْسٍ ذَآئِقَةُ ٱلْمَوْتِ ۖ ثُمَّ إِلَيْنَا تُرْجَعُونَ ﴿٥٧﴾ ﴾ العنكبوت

**Buli mwoyo gwonna gwa kukomba ku kufa, oluvannyuma (lw'okufa) muddizibwe gye tuli.**

Allah ﷻ n'atutegeeza nti:

﴿ قُلۡ إِنَّ ٱلۡمَوۡتَ ٱلَّذِي تَفِرُّونَ مِنۡهُ فَإِنَّهُۥ مُلَٰقِيكُمۡۖ ٨ ﴾ الجمعة

**Bagambe nti: Okufa okwo kwe mudduka, mazima ddala kujja kubasanga.**

N'atutegeeza nti bwe tufa tuba tugenze kusisinkana mirimu gyaffe emirungi n'emibi gye twakola ku nsi. Tuba tetufudde ate kufuuka mizimu egikomawo okutawaanya be tulesse emabega wadde okubayamba - ng'abashiriku abakaafiiri bwe balowooza - ne batuuka n'okuva mu bibuga ne bagenda mu byalo okulima ku ntaana z'abafu baabwe mbu abafu basobole okutaggulula eby'enfuna byabwe oba okubamalira ebizibu ebirala.

Omuntu yenna bw'afa aba takyalina ky'asobola kugasa b'alesse ku nsi wadde okubakosa. Bwe tufa, tuba tugenze kusisinkana Allah ﷻ asasule empeera ennungi abo abaalafuubana ne bakola emirimu emirungi abawe obutebenkevu, n'ebyengera ebitatendeka, abayingize ennyumba ey'emirembe, ey'ebyengera, eyitibwa Ejjana.

Ate abo abaakaafuwalira omutonzi waabwe, n'abo abeesuulirayo ogwa naggamba ne beesamba amateeka g'omutonzi waabwe, ne bawangaalira ku nsi nga balinga be beetonda, balinga abatalina mutonzi agwanidde okubalagira n'okubagaana, ababonereze ebibonerezo ebitatendeka ntiisa yaabyo abayingize omuliro

Jahannama, abakaafiiri bagubeeremu obugenderevu n'obugenderevu. Yagamba Allah سبحانه وتعالى nti:

﴿ كُلُّ نَفۡسٖ ذَآئِقَةُ ٱلۡمَوۡتِۗ وَإِنَّمَا تُوَفَّوۡنَ أُجُورَكُمۡ يَوۡمَ ٱلۡقِيَٰمَةِۖ فَمَن زُحۡزِحَ
عَنِ ٱلنَّارِ وَأُدۡخِلَ ٱلۡجَنَّةَ فَقَدۡ فَازَۗ وَمَا ٱلۡحَيَوٰةُ ٱلدُّنۡيَآ إِلَّا مَتَٰعُ ٱلۡغُرُورِ ١٨٥ ﴾

آل عمران

**Buli mwoyo gwonna gwa kukomba ku kufa. Era mazima ddala mujja kuweebwa empeera zammwe ku lunaku lw'enkomerero. Oyo alyesambisibwa omuliro n'ayingizibwa Ejjana aliba awonye. Obulamu bw'ensi tebulina kye buli okuggyako ekigayaaza eky'ekiseera.**

Ebyo byonna bw'oba obitegedde bulungi, kimanye nti ebyo by'oyita eby'obuwangwa ddiini yennyini ekontana n'obusiraamu era tosobola kuba Musiraamu nga n'ebyobuwangwa obigulumiza. Asaala nga bw'ayalula n'abalongo talina njawulo n'asaala nga bw'asoma n'emmisa. Anti bombi basinziza mu ddiini bbiri ate ng'obwo bwe bukaafiiri bwennyini.

Kimanye nti ne Nabbi ﷺ bwe yatumibwa mu bashiriku abaquraishi, yabasanga balina eddiini ey'ekishiriku mwe baasinzizanga amasanamu gaabwe ga Laata, Uzzat, Mannaat, Hubal n'amalala. Baasinzanga n'ebintu ebirala bingi nnyo era nga beeraguzalaguza n'ebintu eby'enjawulo. Baakkirizanga nti omwana omuwala kiba kisiraani kyennyini era abamu battanga abaana baabwe ab'obuwala abamu ne babaziikanga nga balamu.

Nabbi ﷺ bwe yajja n'obusiraamu, teyabagamba nti: mubeere Basiraamu naye na biri temubisuulilira era bya buwangwa byaffe abawarabu era nti bwe tubivaako ensi yaffe tejja kufuna mirembe oba nti obuquraishi tujja kuba tubuvuddeko. Wabula yabalagira byonna bye babadde bakola mu bubuyabuya n'obubuze n'obutamanya babiveeko badde ku Busiraamu bwokka.

Amasanamu gonna Nabbi ﷺ n'agamenyawo n'ebyo byonna bye baasinzanga ebitali Allah ﷻ n'abibagaana era n'abaggyamu enzikiriza zonna ez'ekishiriku ze baalina. Si ng'abashiriku ba wano abagamba nti Obusiraamu babwagala nnyo mbu ate n'ebyo byonna bye baasanga ba Jajjaabwe bakola mu bubuze n'obutamanya n'obubuyabuya tebasobola kubireka wadde okubivaako!!

Ne balangira avumirira shiriki waabwe nti si Muganda oba nti tayagala Buganda oba nti ayagala kusaanyawo Buganda! Shaitwan n'ebalowoozesa nti omuganda yenna ateekeddwa okuba omushiriku!!

N'omubuuza nti: Nabbi ﷺ bwe yagoba abaquraishi ku shiriki n'enzikiriza enkyamu yali si Muwarabu? Oba yali tayagala buwarabu era ng'alwanirira kusaanawo kwa Buwarabu? Ye ba Swahaaba n'abawarabu abalala okutuusa olwaleero bwe baava ku nkola ya ba jajjaabwe ey'okusinza amasanamu baalekeraawo okuyitibwa Abawarabu?!! Oba buwarabu yasaanawo olw'okuva ku shiriki abaakulembera gwe baaliko?!

Kati ggwe lwaki shaitwan ekulowoozesa n'ekudyekadyeka nti bwe tuva ku shiriki wa ba Jajjaffe Buganda esaanawo? Oba nti tulekeraawo okuba Abaganda? Ani yatufuula Abaganda ssi Allah ﷾? Ate abakulembeze baffe ab'ennono ani yabafuula Abaganda ssi Allah ﷾? Be baasalawo babe Abaganda oba nabo beesanga bwesanzi nga Allah ﷿ yabakaka dda okuba Abaganda?

Bw'aba nga Allah ﷾ ye yatukaka ffe n'abakulembeze baffe okuba Abaganda lwaki tetukkiriza eyatukaka okututegeerera kye tuteekeddwa okubeera ng'abaganda? Matira nti okuva ku shirik tekituggyako kuba baganda.

Matira nti okuva ku shirik tekiggya Kabaka ku bukulembeze wadde okuba nti tulekera awo okwogera oluganda. Tusigala tuli baganda bennyini, ab'ogera oluganda, mu Buganda, nga Kabaka ye mukulembeze waffe ng'ate tetuli bashiriku.

Ba kabaka bonna abaasiramukanga ku mulembe gw'omubaka Muhammad ﷾ ne ku mulembe gwa ba swahaaba tebaggyibwangako bukulembeze bwabwe wabula baasigalanga bakulembeze ab'ebitiibwa ate nga ne shirik bamulwanyisa.

N'okutuusa olwaleero ba kabaka ba Saudi Arabia balwanyisa shirik era bamuvumirira kyokka obwakabaka bwabwe bwa maanyi nnyo, bunene nnyo, bugagga nnyo era bumanyifu mu nsi yonna - era okwekwata ku ddiini tekyabanafuya wadde akatono ennyo wabula kyabongera kitiibwa.

Kyokka ate buno obwa wano, obw'ekutte ku bushiriku n'obukaafiiri obw'ekika ekya waggulu, bunafu nnyo, bwavu nnyo era bumanyiddwa kitono nnyo!! Ebyo eby'obuwangwa eby'ekishiriku bye twekutteko ebitatuyamba kukulaakulana mu nsi wadde okutuyingizisa Ejjana oluvannyuma lw'okufa bitugasa ki?

Bwe tukkiriza Allah ne tuva ku bushiriku bwe tuyita eby'obuwangwa ebitalina mutawaana, Allah ajja kussa emikisa mu bulamu bwaffe asitule obwakabaka bwaffe ate atuyingize n'ejjana oluvannyuma lw'okufa kwaffe. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿وَلَوْ أَنَّ أَهْلَ ٱلْقُرَىٰٓ ءَامَنُوا۟ وَٱتَّقَوْا۟ لَفَتَحْنَا عَلَيْهِم بَرَكَٰتٍ مِّنَ ٱلسَّمَآءِ وَٱلْأَرْضِ ٩٦﴾

الأعراف

Bw'otegeera obulungi nti eby'obuwangwa ddiini, era n'otegeera bulungi nti eddiini eyo ey'ekishiriku okugivaako tekitukosa wadde akatono mu dduniya yaffe wabula ate kitwongera bwongezi maanyi mu nsi n'obutebenkevu ku nkomerero, ojja kuba owonye oluwona olw'amaanyi. Nsaba Allah ﷻ atuwe okwawula obubuze ku bulungamu.

# ALLAH ﷻ AKKIRIZA OKWENENYA KW'OMUSHIRIKU

Mu byengera ebiri mu ddiini yaffe ey'obusiraamu, mwe muli okuba nga Allah ﷻ yaggulawo omulyango gw'okwenenya eri oyo yenna asalawo mu mazima ne yeenenya ezzambi lyonna ly'abadde yeebagala ne bwe liba ddene nnyo nga likaafuwaza nga shirik. Ggwe abadde akola shirik, oli nnamukisa nnyo okuba nti okyali mulamu era okyasobola okwenenyeza Allah ﷻ n'akkiriza okwenenya kwo n'owona okuba mu muliro ogw'olubeerera.

Abantu bangi nnyo abafiiridde ku shirik abatakyalina busobozi bwenenya. Bali mu biwoobe n'entiisa ey'ekitalo! Bali mu kwejjusa okutalina kye kukyusa! Bali mu kulaajana okutalina mudduukirize! Bali mu kwevuma bussiru n'obutabala! Bali mu bulumi obuyitirivu obutalina nkomerero!

Essuubi ly'okuwona lyabaggwamu dda ate nga mu butuufu teririiyo. Baamatira obulimba bw'omulabe waabwe shaitwan ate ne balimbisa amazima g'omutonzi waabwe Allah! Tebakyalina kakisa konna kadda kunsi beenenye bave ku shirik. Baagaana okugumiikiriza emyaka emitono ennyo gye baamala ku nsi ne beesuula mu kubonaabona okw'olubeerera! Obwo nno bwe butabala obusingira ddala okuba obubi.

Kati ggwe akyali omulamu, ng'obadde okola shirik, olina essabo, ogenda mu ssabo, okuba ekitabo, oyabya olumbe,

ogema enkuba, oyalula abalongo, osalira tanuulu oba omusingi, oli mukongozzi mu biggwa, oli mukozi mu ssabo oba mu masiro oba mu biggwa, olina ekyoto kya lubaale, weesiba zi yirizi, oba ziri mu baana bo, otunda ebyawongo, ofuuwa emmindi, ologa, osulika enseenene, otwala ebifudde ku jjirikiti, olina ebigali wansi w'ebitanda, yanguwa nnyo weenenye. Allah ﷻ ajja kukusonyiwa era akuddize emirimu gyo gyonna gye yali yasazaamu olwa shirik gw'obadde okola. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ ۞ قُلْ يَٰعِبَادِيَ ٱلَّذِينَ أَسْرَفُواْ عَلَىٰٓ أَنفُسِهِمْ لَا تَقْنَطُواْ مِن رَّحْمَةِ ٱللَّهِۚ إِنَّ ٱللَّهَ يَغْفِرُ
ٱلذُّنُوبَ جَمِيعًاۚ إِنَّهُۥ هُوَ ٱلْغَفُورُ ٱلرَّحِيمُ ﴿٥٣﴾ وَأَنِيبُوٓاْ إِلَىٰ رَبِّكُمْ وَأَسْلِمُواْ لَهُۥ
مِن قَبْلِ أَن يَأْتِيَكُمُ ٱلْعَذَابُ ثُمَّ لَا تُنصَرُونَ ﴿٥٤﴾ ﴾ الزمر

**Bagambe nti: (Allah abakoowoola nti): Abange mmwe abaddu bange abeewalaze amazambi aga buli kika! Temuggwangamu essuubi ly'okusaasira kwa Allah; Mazima Allah asonyiwa amazambi gonna. Mazima Musonyiyi nnyo, Omusaasizi ennyo. Era mwenenyeze Omulezi wammwe era mumujeemulukukire, ng'ebibonerezo tebinnabajjira ate mubulwe abibataasaako.**

# OBUKWAKKULIZO BW'OKWENENYA

**Akakwakkulizo akasooka,** kwe kuyimiriza ezzambi ly'obadde okola. Bwe weenenya ezzambi ng'ate bw'ogenda mu maaso n'okulikola, okwenenya kwo kufu era tekukkirizibwa. Yagamba Allah عَزَّ وَجَلَّ nti:

﴿ قُل لِّلَّذِينَ كَفَرُوٓاْ إِن يَنتَهُواْ يُغۡفَرۡ لَهُم مَّا قَدۡ سَلَفَ ﴿٣٨﴾ ﴾ الأنفال

**Gamba abo abaakaafuwala nti: Singa balekeraawo (ne bava ku bukaafiiri bwabwe), bajja kusonyiyibwa (ebibi) byonna ebyakulembera.**

**Akakwakkulizo ak'okubiri**, kwe kumalirira mu mutima gwo nti toliddayo kukola zzambi eryo. Omuntu bw'ayimiriza ezzambi, kyokka nga mu mutima gwe mumalirivu okuddamu okulikola nga wayiseewo ekiseera, era okwenenya okwo kuba kufu. Kyokka bw'aligwamu oluvannyuma lw'okulyenenya nga yali amaliridde obutaliddamu, awo addamu ne yeenenya. Allah سُبۡحَانَهُۥ وَتَعَالَىٰ yagamba nti:

﴿ يَعِظُكُمُ ٱللَّهُ أَن تَعُودُواْ لِمِثۡلِهِۦٓ أَبَدًا إِن كُنتُم مُّؤۡمِنِينَ ﴿١٧﴾ ﴾ النور

**Allah ababuulirira obutakiddira obugenderevu n'obugenderevu bwe muba nga ddala muli Bakkiriza.**

**Akakwakkulizo ak'okusatu**, kwe kufuna okwejjusa mu mutima olw'okukola ezzambi eryo. N'otamwa okuliddamu wadde okulinyumya mu ngeri y'okulyenyumirizaamu. Yagamba

Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Abu Sa'eed Al Answarie ﷺ nti:

النَّدَمُ تَوْبَةٌ، والتَّائِبُ مِنَ الذَّنبِ كَمَنْ لاَ ذَنبَ لَهُ

(رواه ابن مندة وأبوا نعيم وحسّنه الألباني في صحيح الجامع)

**Okwejjusa kye kinyusi ky'okwenenya. N'oyo yenna eyeenenya ezzambi aba ng'atalikolangako.**

Ate ensobi bw'oba wagikola muntu munno, awo kweyongerako akakwakkulizo ak'okuna; oteekeddwa okuzzaayo kye wamulyazaamaanya. Bwe kiba kikalu, kizzeeyo. Bwe kiba kitiibwa kye nga kye watyoboola, musabe akusonyiwe.

Kimanye era nti si kakwakkulizo ku muntu akoze ekikaafuwaza nti ateekeddwa okuddamu okuleeta shahaada bupya alyoke adde mu Busiraamu. Kimumalira okukivaako, n'okumalirira obutakiddamu, n'okwejjusa mu mutima gwe – okudda mu Busiraamu. Obukwakkulizo obusatu bwe twalabye waggulu bw'abutuukiriza, aba amaze okudda mu Busiraamu.

Omuntu bw'aba yagendako mu ssabo emyaka 5 egiyise, n'amala n'ategeera nti ekyo ky'akola kibi era kikaafuwaza, n'ataddayo, n'amalirira obutakiddamu era n'afuna okwejjusa mu mutima gwe, ekyo kyamumalira okudda mu Busiraamu wadde teyaddako wabbali n'aleeta shahaada nti ***Laa Ilaaha Ill'Allah***.

Nsaba Allah ﷻ Omusaasizi ennyo, atendebwa n'amatendo amajjuvu agataliimu bukendeevu bwonna, atazaala era

at'azaalibwa, omukenkufu omukwatampola, asse omukisa mu kitabo kino era agase nakyo abaddu be. Musaba akitufuulire ensonga y'okuwona ebibonerezo bye ebyo bye yategekera abakaafu n'abajeemu.

Musaba akkirize nti nkiwandiise ku lulwe era ansonyiwe ensobi yonna ekirimu. Ayi Allah ﷻ nkusaba osse okusaasira kwo ku Basiraamu bonna era obasonyiwe byonna ebibasobako obayingize Ejjana ey'ekitiibwa. Nkusaba osse okusaasira n'emirembe ku Mubaka wo Muhammad ﷺ n'abantu b'ennyumba ye, ne ba Swahaaba be n'abo bonna abagoberera obulungamu bwe okutuusa ku lunaku lw'enkomerero.

تم بحمد الله

***Muhammad Quraish Mazinga***
***Dar Al Hadiith***
***Fuyuush***
***Aden***
***Islamic Republic of Yemen***

***shkmazinga@gmail.com***

***0702 55 10 77***

***+967 715 561 129***

# EBIRI MUNDA

**Omutwe** **Page**


**Osinza Ani? …………………………………………… 4**

**Obubuyabuya Bw'omushiriku …......................... 11**

**Okuzikirira Kw'omushiriku …………………….. 16**

**Shahaada ………………………………………… 22**

**Empagi Za Shahaada Ebbiri …………………… 25**

**Sha! Twala Eri Naawe!! ………………………… 34**

**Kyennyamiza Nnyo! …………………………….. 39**

**Eby'obuwangwa Ddiini …………………………. 43**

**Okwabya Olumbe ……………………………….. 45**

**Okwenenya Kw'omushiriku ……………………. 54**

**Obukwakkulizo Bw'okwenenya ………………... 56**